

## CBM Uganda

### OKUZUKIIRA N'OMUSANGO

Bwonomala okusoma akatabo kano on'oba omaze okufuna okudiibwamu eri ebibuzo binno wansi:

1. Kiki Baibuli kyegamba ku butaffa (okuberawo emirembe n'emirembe)?
2. Kiki ekituberako nga tufudde?
3. Okuzukuziibwa kw'abafu kufiberaawo ddi?
4. Ani Yesu Kristo gwalisaliraa omusango, era lwaki?

Abantu bangi balina endowooza nti bwebaffa waliwo ekintu ekitaffa ekibaberamu ekigenada mugulu. Naye Baibuli yo etutegeza kilala. Eyogera ku bantu abaliba nga bazukiziibwa okuva mu bafu. (Abafiripi 3:11). Era balina okulabisibwa Yesu walisalira omusango (2 Bak 5:10). Katonda alizukiiza abafu era abasalire omusango. Abagoberezi ba Yesu Kristo abeesigwa balibera naye emirembe gyona.

#### 1. KIKI BAIBULI KYEYOGERA KUBUTAFFA?

Ekgambo 'obutaffa' kyikozesebwa emirunde mukaaga bwetutunulira ebitundu byona ebighambo bino we bikozesebwa, tuyiga bino:

- a) Katonda ye yaliwo okuva edda n'edda era ye ow'emirembe n'emirembe (1 Timoseewo 1:17).
- b) Omuntu talina wayogerebwako wona nti alina obulamu obutafa kakano (1 Timoseewo 6:16).
- c) Yesu Kristo "eyaggyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri" (2 Timoseewo 1:10). Kino kitegeza nti omuntu yali talina obulamu obwoluberera (obutafa) nga Yesu tanabakugya. N'olwekyo, nekilabika nti omuntu taberanga na mwoyo gutafa okuva oluberyeberye. Esubi lyaffa ely'obutafa lyesigamye ku kuwangula kwa Yesu Kristo ekibi. Kino kysisoboka kati olw'okuba yazukira mu bafu nafuna obulamu obw'oluberera. Eri ebessiigwa kino kirisoboka-obutafa olwekisa kya katonda, nga Yesu Kristo akomyewo okuzukizza abafu. Obutafa tebwatukolerwamu, mumibiri gyafe.
- d) Tulina "okunoonya ekitiibwa, n'ettendo, n'obutaggwaawo" (Barumi 2:7). Obanga tulina okunonya obutaggwaawo, tekisoboka kubera nti tubulina kati. Olunaku lugya "Katonda kw'alisalira omusango gw'ebyama by'abantu ku bwa Yesu Kristo" (Barumi 2:16). Obulamu obw'oluberera "Kirabo kya Katonda" (Barumi 6:23).
- e) Baibuli eyogera ku ngeri y'emibiri. Waliwo "Omubiri gw'omukka" n'omubiri gwa mwoyo" (1 Abakkolinso 15:44). Omubiri ogw'omwoyo sikitundu eky'okwogo ogwa omuka. Paulo atutegeza nti "guno ogufa gulina okwanbazibwa ogutafa". (1 Abakkolinso 1:53). Enkyukakyuka mu butonde yetagisa. Era ekyo kiriberawo nga "guno ogufa gumaze okwanbala ogutafa." Olwo nekiryoka kiba nti "Okufa kumiriddwa mu kuwangula. Ensomesa eno yanjawulo kw'eyo abantu gyebakwata nga ekikwate egamba nti "omubiri gweyambulwako" okusumulula omwoyo gubere nga gugenda! Endowooza eno mu Baibuli tesangibwamu.

Eri abo abamanyi entekateta ya Katonda Baibuli otuwa ebintu bino nga bwebidiringanako;

- i) Tulina obulamu bw'omubutonde mumubiri ogwo muka.
- ii) Amangu oba eddakko, tulina okufa.
- iii) Yesu alida nate okuzukiza abafu.
- iv) Yesu atusalire omusango.
- v) Awo tuwebwe omubiri gw'omwoyo n'obulamu obw'oluberera oba okuzikiriziibwa (okufa emirembe n'emirembe).

Naye Yesu bwakomawo nga te tunafu alitusalira omusaugo wamu nabo abalizukizibwa. Baibuli telina weyogerera ku bantu nti balina emyoyo egitafa. Wabula eyogera emirundi mingi kukuzukira kwa bafu.

#### 2. KIKI EKITIUBERAKO NGA TUFUDE?

Baibuli emirundi mingi okufa ekuyita: "kwebaka". Mulugero lwa Lazaalo (Yok 11) Yesu yagamba nti "Mukwano gwaffe Lazaalo yeebase, naye ngenda okumuzurkusa...Naye Yesu yagogera ku kufa kwe...Awo Yesu nalyoka ababulira lwatu, nti Lazaalo afudde (okunyiriri 11 - 14).

Lwaki Yesu yakozesa ekigambo "Yeebase"? Kubanga bufetubanga twebase tetubako kyetumanyi okutusa nga tuzukuse. Baibuli eyogera mungeri yemu ku kufa : "Kubanga tewali kujjukirira mu kufa" (Zabbuli 6 : 5).

Lazaalo yali nga ya kamaze ennaku nnya nga mufu oluvanyuma lwa Yesu okumuzukiza (Yokana 11 : 39) Singa omwooyo ggwe gwali gugenze mu ggulu mukisera kino, Lazaalo yandibade nga

abanyumiza byeyalaba. Naye talinako kye ya yogera ne kiba nga kitegeza nti Lazaalo ono yali "yeebase" emagombe, nga taliko kya mannyi. Tewali kyamuvamu okugenda awalala wona. Essubi lyafe lisanye okuba nga elya Maliza. Maliza yali nga akiririza mukuzukira okwabafu ku lunaku, lwenkomerero (Yokana 11:24).

### 3. OKUZUKIZIBWA KWA BAFA KULIBERAWO DI?

Okuzukira kuliberawo nga Yesu Kristo akomyewo kungsi okusawo obwa kabaka bwa Katonda (Lukka 1: 32,33). Yesu agamba nti: "Buli yena alaba omwaana era na mukkiriza aba n'obulamu obutaggwaawo; nange ndi muzuukiza ku lunaku olw'enkomerero" (Yokana 6:40).

Omutume Paulo agamba nti: "Nga bona bwe bafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe balifukira abalamu:.... Kristo gwe mwaka omubereberye oluvanyuma aba Kristo mukujja kwe" (1 Abakolinso 15: 22,23).

Yesu ne mutume Paulo bakirizaganya mu kino:

- a) Amazima agakwatagana ne ku kuzukira kwa bafu, ne
- b) di lwe kuliberawo.

Bakimanyi bulungi. Kale tokiriza buli yena akubulira okuva kubyawandiikibwa bino.

### 4. BEBAANI ABALISALIRWA OMUSANGO ERA LWAKI?

Baibuli atutegeza nti abantu bangi balisalirwa omusango nga Yesu akomyewo Paulo agamba nti: "Yesu Kristo alisalira abalamu n'abafu omusango kulw'okulabika kwe n'obwakabaka bwe" (2 Timoseewo 4:1). Abantu ab'obuvananyizibwa be bo abamanyi ku Katonda. Bona baliyimirira mu maaso g'entebbe y'emisango eya Kristo....nti na buli omu alyeyogerako eri Katonda (Abaruumi 14: 10,12).

Kale obanga Yesu tanakomawo kusala misango, lwaki wandirowozeza nti abamu bali mu bulamu bw'oluberera?

Si bonna abamanyi Katonda nti bakulokolebwa. Yesu yagamba ebimu kubibiina ebya bantu nti "baliraba lbulayimu ne Isaaka ne Yakobo ne ba nabbi mubwa Kabaka bwa Katonda, naye mwe nga musulibwa bweru" (Lukka 13:28).

Abo abaliba nga bamuwereza bulungi, Yesu alibagamba nti: "Mmwe kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabatekerwatekerwa okuva kukutonda ensi" (Matayo 25:34).

Abantu bonna abatamanya kubi kwatagana ne ku Katonda tebalizukizibwa ku lw'omusango Danyeri atubulira nti: "Bangi (naye si bonna) kw'abo abebaka munfufu y'ensi balizukizibwa" (Danyeri 12:2).

Lwaki wagenda kuberawo omusango? Kubanga okuva Katonda lwe yatonda ensi, Katonda yawa abantu okusalawo. Tuyinza okusalawo okumogoberera oba okwesanyusa ffe. Nga nawe kw'oli. Katonda abeera musanyufu bwe tusalawo okugoberera enkola ye. Abo abakola ekyo," kitammwe asiima okubawe mmwe obwakabaka" (Lukka 12: 32).

Kitufu, oyagala okubera mubwakabaka bwa Katonda? Abakiriza ate nga besigwa bayinza okulindiriira n'esuubi omukisa guno ogwewunyisa. Katonda agenda kusindika Yesu Kristo okuleeta emirembe muni enatavu. Agyifuge nga Kabaka yona yona (Zabuli 72: 8-11). Oluvanyuma lw'okuzukiira n'omusango, obo abaliloka lebwa baliyambako Yesu okubulira enjiri eri amawanga. Bw'owereza Katonda kati oliba wuwe kulanaku luli "bwe waliba nga tewakyali kufa, oba nnaku newakubadde okukaaba, newakubadde okulumwa..." (Okub. 21:4).

"Naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo." (1 Abak. 15:57).

Webuzzeko eri Aboluganda mu Kristo abakuli okumpi oba wandiikira:

CHRISTADELPHIAN BIBLE MISSION  
c/o 404 Shaftmoor Lane,  
Birmingham,  
B28 8SZ,  
UK.